# ENNAMULA Z'OMUKYALA OMUSIRAAMU

## كتاب المرأة المسلمة - أوغندي

جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات في الزلفي
هاتف: 164234466 966 ـ فاكس: 164234477 966

# كتاب المرأة المسلمة

**أعده وترجمه إلى اللغة الأوغندية**

**جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي**

**الطبعة الأولى: ٨ /١٤٤٥ هـ**


ⓒ جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي ، ١٤٤٥هـ

بالزلفي ، جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات
كتاب المرأة المسلمة - أوغندي. / جمعية الدعوة والإرشاد
وتوعية الجاليات بالزلفي ؛ جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية
الجاليات الزلفي - ط١. .- الزلفي ، ١٤٤٥هـ
٣٦ ص ؛ ١٢/١٧ سم.- (1 ؛ ١)

رقم الإيداع: ١٤٤٥/١٨١٠٣
ردمك: ٢-٢٦-٨٣٩٩-٦٠٣-٩٧٨

# ENNAMULA Z'OMUKYALA OMUSIRAAMU

## كتاب المرأة المسلمة

## Ekifo ky'omukyala mu Busiraamu

Nga situnnaba kwogera ku ddembe lya mukyala mu busiraamu, tuteekwa okusooka okunnyonnyola ezimu ku ntegeera n'entwala enzikiriza endala ezitali za busiraamu gyezitwalamu omukyala n'ekifo kyezimuwa, era na butya bwezaakolaganangamu n'omukyala nga Sharia y'obusiraamu tennajja.

Abayonaani bbo baalinga omukyala bamutunda nga bw'otunda eby'amaguzi ebirala era nga yye talina ddembe lyonna, oba okwesalirawo kwonna okujjako okusalawo kwona kwali nga kwa musajja.

Era omukyala ono teyakkirizibwanga kusikira muntuwe yenna singa yabanga afudde. Era nga omukyala teyalina buyinza bw'etaayiza era bukozesa senteze nga bwayagala.

Ky'ava agamba omu kuba Kolosoofa baabwe amanyiddwa nga Sakuraatwi, (Socrates) agamba nti; mazima okubaawo kw'omukyala mu nsi y'ensonga era y'ensibuko y'ensi okugwa. N'agamba

nti omukyala afaanana nga omuti ogw'obutwa nga kungulu kwagwo ogulaba nga gulabika bulungi naye bwogeza n'ogulyako ofa bufi.

Ate bbo Abaroma (Romans) baali nga bayina enzikiriza egamba nti omukyala ono talina mwoyo era nga gyebali omukyala talina makulu yadde omugaso gwonna era talina ddembe lyonna era yalinga ŋombo yaabwe nga bagamba nti: omukyala talina mwoyo, era yensonga lwaki bwe baalinga babonereza omukyala, baamusiigangako butto eyeseze (nga ayokya nnyo) ku mubirigwe, era b'amusibanga ku nkondo nga ebisolo, kyokka era oluusi baakwatanga omukyala atalina musango gwonna nebamusiba kumukira gw'eŋŋamiya nebagiddusa emisinde nga bw'emuwalula okutuusa lweyafanga (omukyala).

Kati ate endaba y'abayindi ku mukyala, bbo ate baasukkawo, kuba ate bbo omukyala namwandu (afilidwako bba) nga naye bamwokya mulamu.

Kati ate bbo aba (china) baafaananya omukyala ebizzi ebinaabeemu oba ebyozeddwamu ebintu, era omuchina yalinanga eddembe okutunda mukyalawe nga ebitundibwa ebirala era nga alina eddembe okumuziika nga mulamu.

Ate bbo abayudaaya baatwala nga omukyala nga kikolimo, kubanga yakema Adam n'alya ekibala. Era

nga webaamutwalanga nga ennagisi, bw'agenda mu nsongaze ezaabuli mwezi, mbu anagisiwaza enju nabuli kyakwatako, ate era nga tasikira ku kitaawe kantu konna bw'aba nga kitaawe aba alesse omwana omulenzi.

Ate bbo Abakulisitaayo, baamulabanga nga ssitaani. Nga bweyagamba omu ku basajja abakulembeze b'eddini y'obukulisitaayo nti omukyala tatwalibwa mukika kya bantu, era n'agamba *Kadiisu Buuna Fantura* nti bwe mulabanga omukyala temulowoozanga nti mulabe muntu yadde (ekisolo) ky'omunsiko wabula kyemuba mulabye ye ssitaani yennyini era okusiiya omusota kweguba gusiiya (okkulabula obulabe bwegusobola okkutuusaako).

Era omukyala yabeeranga okusinziira mu mateeka g'abangereza okutuuka mu nkomerero y'ekyasa ekyayita nga tabalibwa mu bannansi singa babeera babala abantu, era nga talina ddemberye ng'omuntu, nga talina kikye kyonna paka okutuuka ne ku ngoye z'ayambala. Era paariyamenti ya Scotland, mu mwaka gwa 1567 yayisa etteeka nti; omukyala talina kubaako kintu kyonna kyalinako buyinza. Era paariyamenti ku mulembe gwa Henry ow'okubiri n'emuziyiza okusoma enjiri mbu kubanga nagisi ajja (kuginagisiwaza) kugikyafuwaza. Ne mumwaka gwa 586, aba Faransa baatuuza olukuŋŋaana nga bakubaganya ebirowoozo ku

mukyala, bebuuza nti abaffe omukyala ono muntu oba si muntu? Bwebatyo bakkiriziganya nti kale muntu naye yatondebwa kuweereza musajja, n'amateeka g'abazungu mumwaka gwa 1805, nga kikkirizibwa omusajja okutunda mukyalawe.

Wabula ate bbo abawarabu nga obusiraamu tebunajja na sharia yaffe eno gyetulina, omukyala yali anyomebwa nnyo era nga tafiibwako, n'okusika nga tasika era nga talina ddembe lyonna wabula n'abamu mu bo baaziika nga bawala baabwe nga balamu.

Oluvannyuma obusilamu bwajja nebujjawo obuly'azamanya bwonna obwakolebwanga ku mukyala, era nebunnyonyola nti omukyala n'omusajja bonna kyekimu alina edemberye era alina n'obuvunyiizibwa nga n'omusajja bw'alina ebibye.

Allah agamba mu Surat Hujuraate aya 13.

قال الله تعالى: ﴿ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّا خَلَقْنَاكُمْ مِنْ ذَكَرٍ وَأُنْثَى وَجَعَلْنَاكُمْ شُعُوبًا وَقَبَائِلَ لِتَعَارَفُوا إِنَّ أَكْرَمَكُمْ عِنْدَ اللهِ أَتْقَاكُمْ إِنَّ اللهَ عَلِيمٌ خَبِيرٌ ﴾ [الحجرات:١٣]

"*Abange mmwe abantu mazima twabatonda nga tubajja mu kikazi n'ekisajja (Adam ne Hawa)*

*netubateekamu ebika n'amawanga lwansonga mumanyagane naye mwenna mwe kyekimu era mazima abasinga ekitiibwa mummwe mu maaso ga Allah y'oyo abasinga okutya Katonda, mazima Allah mukenkufu nnyo era mumanyi nnyo"*

Era n'agamba Allah mu Suratu Nisa-e aya 124 nti:

وقال تعالى: ﴿ وَمَنْ يَعْمَلْ مِنَ الصَّالِحَاتِ مِنْ ذَكَرٍ أَوْ أُنْثَى وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَأُولَئِكَ يَدْخُلُونَ الجَنَّةَ وَلَا يُظْلَمُونَ نَقِيرًا ﴾ [النساء:١٢٤].

*"Oyo yenna akola emirimo emirungi nga musajja oba mukyala era nga mukkiriza owannamaddala, abonno bagenda kuyingira ejjana, era tebagenda kulyazaamaanyizibwa kantu konna wadde katono katya".*

Era agamba Allah mu Suratu Ankabut aya 8;

وقال سبحانه: ﴿ وَوَصَّيْنَا الإِنْسَانَ بِوَالِدَيْهِ حُسْنًا ﴾ [العنكبوت٨].

*"Era twalaamira omuntu eri bakaddebe bombi okubayisa obulungi".* Era n'atuyigiriza omubaka mu hadiith eyawandiikibwa Tirimidhi egamba nti:

وقال رسول الله ﷺ: «أكمل المؤمنين إيمانا أحسنهم أخلاقا، وخياركم خياركم لنسائهم خلقًا» [رواه الترمذي: ١٠٨٢].

Agamba omubaka wa Allah Swalla Llaahu alaihi wasallama nti: *"Asinga okubeera n'obukkiriza obujjuvu mu bakkiriza; y'oyo abasinga empisa. Era n'asinga obulungi mu basajja, y'oyo abasinga obulungi mu kuyisa obulungi bakyalabe".*

Era omusajja lumu yabuuza nabbi Swalla Llaahu alaihi wasallama nga bwekiri mu hadiith eyawandiikibwa Imaam Bukari ne Muslim egamba nti:

سأل رجل النبي ﷺ، فقال: من أحق الناس بحسن صحابتي؟ قال: ((أمك)) قال ثم من؟ قال: ((أمك)) قال ثم من؟ قال: ((أمك)) قال ثم من؟ قال ((أبوك)) [متفق عليه:٥٩٧١، ٢٥٤٨] .

Agamba nti omusajja yabuuza nabbi Swalla Llaahu alaihi wasallama n'amugamba nti: *"Muntu ki gwemba nsinga okuyisa obulungi? Namugamba nti maamawo, namubuuza nti ate oluvannyuma lwa maama ani omulala? N'amuddamu nti era maama wo, Nabuuza nti ate oluvannyuma lwa maama ani omulala? Namudamu nti era maama wo, Nabuuza nti era oluvannyuma lwa maama ate ani? Namuddamu nti olwo taatawo"*

Eyonno mu bufunze ddala y'endaba y'obusiraamu ku nsonga z'omukyala.

## EDDEMBE LY'OMUKYALA ERIBUNA;

Mazima omukyala alina eddembe eryawamu eririna okumuweebwa era lirina okuba nga abalala balitegedde era beetegefu oddimuwa, olwonno omukyala aliganyulwemu mubujjuvu wonna w’aba aryetaagidde.

Mu ddembe lyalina (mu bufunze);

1) Eddembe ly'obwannanyini ku bintubye eby'enjawulo byaba afunye, gamba ng'ebizimbe, amakolero amasamba n’amalimiro oba zaabu ne feeza, n'ebitambula ebyenjawulo, k’abeere nga omukyala ono mukyala mumaka oba senga oba muwala wa gundi oba mwanyina w'amuntu.
2) Eddembe ly'okufumbirwa wamu n’okulonda omusajja gwasiimye awatali kukakibwa, wabula era singa waba wazzeewo ensonga emukosa mu buufumbo nga temusobozesa kubwongerayo, alina eddembe ly’okusaba Talaka n'okweyambulula bba eddemberye mwebyo byonna kkakafu mu busiraamu.
3) Omukyala alina eddembe ly’okusoma, ekyo kyonna Allah kyeyamulaalikako okukimanya, nga okumanya Allah, n'okumanya Ibaada ezenjawulo, n'okumanya enkola yaazo era n'okumanya obuvunaanyizibwa obumukakatako

n'empisa gy'alina okweyisaamu, Kulwokubuna kw'ekiragiro kya Allah ekiri mu surat Al-Aaraf aya 31 egamba nti: *"n'olwekyo manya nti mazima teri kigwana kusinzibwa okujjako allah"* Era n'agamba omubaka Swalla Llaahu alaihi wasallama mu hadiith eyawandiikibwa Ibun Maajah omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama yagamba nti: *"Okunoonya okumanya kyatteeka ku buli musiraamu yenna".*

4) Omukyala alina eddembe okusaddaaka mu mmaliye ekyo ky'aba ayagadde era n'okujjamu ekimuyamba ye kennyini ky'aba ayagadde okwetuusako akikozese oba ky'aba ayagadde okuwa bba oba abaanabe oba taatawe oba maamawe ebbanga ly'amala nga tatuuse ku ddaala lya kudiibuuda, wabula embeeraaye mw'ekyo eky'okudiibuuda era kyekimu n'omusajja naye mu kugaanibwa.
5) Era alina eddembe ly'okwagala nokutamwa. Gamba ayagala abakyala abalongofu era n'abalambula kulw'okusiima kwa bba singa abeera nga mufumbo, era naabawa ebirabo. Era alina eddembe ly'okubatumira n'okumanya embeera yabwe era n'okubakubagiza mu buzibu bwebaba baguddemu. Era nga bw'alina eddembe okutamwa abakyala abonoonefu n'okubanyiigira n'obbasenguka ku lwa Allah.

6) Era alina eddembe ly’okuleka ekiraamo, n’alaama obutakisukka ekimu eky'okusatu mu mmaliye nga alaamira, oba agabira gw’aba ayagadde k’abeere nga mulamu. N’oyo aterese ekilaamokye, kituukirizibwe awatali muntu yenna kukiziyiza kubanga okulaama kw’abantu bonna nga bwekubeera ku basajja era n’abakyala nabo bakkirizibwa, kuba tewali n'omu mubo atayagala mpeera kuva wa Allah.
7) Omukyala era alina eddembe ly'okwambala kyayagala mu zaabu ne feeza wabula ate bino byombi byaziyizibwa eri omusajja, okujjako nti omukyala mu kino tateekwa kwambala byakwewunda ebyo nga ayolesezza eby'okwewundabye eri abasajja abatamuzira kufumbirwa, era takkirizibwa kwambala ngoye nyimpi wadde enfunda oba okubikkako omutwe gwokka, oba okubikkula ensingoye n’ekifubakye okujjako eri abo abakkirizibwa okubitunulako.
8) Era omukyala ddemberye okwewundira bba nassaako wanja n'awunda emimwagye n'agisiiga bw'aba ayagadde naye nga asiigako ekyo ekitali haraamu, era waddembe okwambala eby'okwewunda ebirungi mu zaabu ne feeza nengoye ennungi ezo ezaamukkirizibwa, okujjako ebyo ebimanyikidwa nti byambalwa bakyala batali

bakkirirza (abatali basilamu) oba ebyo ebimanyidwa nti byambalwa bakyala abonoonefu era abagwenyufu, ebyo omukyala omukirirza tateekwa kubyambala k'abeere nga agenda muby'amasanyu nga embaga n'ebirala.

9) Era omukyala alina eddembe ly'okulya n'okunywa ky'ayagala era tewali njawulo wakatiiwe n'omusajja mu kulya n'okunywa ebyo obusiraamu byebwakkiriza, byakkirirzibwa eri bombi, omusajja n'omukyala balamulwa kyekimu, ate n'ebyo ebyabagaanibwa era bombi baabiziyizibwa, nga Allah bw'agamba mu surat Araafu ayah 31: *"Allah tayagala badiibuuzi*". N'olwekyo eno nsonga kukilagiro kino ebuna empuyi zombi.

# EDDEMBE LY'OMUKYALA OKUVA ERI BBA

Omukyala alina eddembe lyateekwa okufuuna okuva eri bba nga byatteeka okubeera nga bba abimukolera era nga bibeera kyekimu ng'omusajja naye bwayina ebibye okuva eri mukyalawe, gamba ng'okumugondera okutaliimu kujeemera Allah n'omubakawe, okutegeka eby'okulya by'omusajja n'ebyokunywabye, okulongoosa enju, okuyonsa abaana b'omusajja, n'okubagunjula n'okukuuma emmaaliye n'okukuuma ekitiibwakye n'okweteeka mu ndabika ennungi okubeera nga alabikira bba bulungi n'okumwewundira nabuli kyonna ekiwunda omukyala n'alabikira bulungi bba ebbanga lyekimala nga sikya haramu.

Era ate wano tulaba eddembe ly'omukyala omusajja lyalina okumukolera nga bikakata ku musajja. Nga Allah bw'agamba mu surat Baqara aya 228

قال تعالى: ﴿ وَلَهُنَّ مِثْلُ الَّذِي عَلَيْهِنَّ بِالْمَعْرُوفِ ﴾ [البقرة:٢٢٨]

*"N'abakyala nabo balina ebivunaanwa abasajja obbakolera nga nabo bwebalina ebibavunaanwa okkolera ba bba baabwe nga bonna babikola mu ngeri ya buntubulamu".*

N'olwekyo wano tubimunnyonyola omukyala omukkiriza abimanye era abisabe bba nga teyeekomomma wadde okutya era kikakata ku musajja okubituukiriza eri omukyala mubujjuvu okujjako nga omukyala y'asonyiye ebimu ku byo, ekyo n'omukyala naye akkirizibwa okusonyiwa ebimu kubyo.

**1.** Okumulabirira okusinziira ku busobozi omusajja bw'alina (mu mmali, mugagga oba mwavu) gamba nga okumwambaza, okumuliisa n'okumunywesa wamu n'okumujjanjaba ssaako n'okumusuza.

**2.** Okumukuuma natatuukwako buzibu kukitiibwa kye n'omubirigwe n'emmaliye n'eddiniye, n'olwekyo omusajja alina okubeera owamagezi n'akuuma mukyalawe era amanye nti kiri mu byetteeka ebimuvunaanwa okukolera mukyalawe...

**3.** Okumusomesa eddiniye naddala ebintu ebyetteeka ku buli musiraamu okubimanya nga Aqeedah, Ibaada n'enkola yazo wabula singa gwe kennyini tosobola, omuleka n'omukkiriza oba n'omukubiriza n'agenda mu misomo gya bakyala, bakyala bannaabwe mwebabasomeseza eddini yabwe mu mizikiti oba mu masomero n'ewalala ebbanga ly'amala nga omukyala oyo okugenda okusoma gyalaga ajja kuwona ebikemo byayo. Era

nga ajja kuwona obubenje bwayinza okusangayo nga budda eri yye ng'omukyala oba bbaawe.

**4.** Okumuyisa obulungi, nga bwagamba Allah mu suratu Nisaai aya 19;

قال تعالى: ﴿ وَعَاشِرُوْهُنَّ بِالمعْرُوْفِ ﴾ [النساء ١٩].

*"Abakyala muwangale nabo mu mbeera ya buntubulamu".*

Era kiri mu kuyisa bulungi omukyala okubeera nga omuwa essanyu elijjuvu mumikolo gyammwe egy'obufumbo, era n'okwewala okumunakuwaza mukumuvuma, okumukakkanya, n'okumuswaaza, era kiri mukumuyisa bulungi okubeera nga tomugaana kugenda kulambula baŋŋandaze singa obeera nga totidde nti bwagendayo waliyo ebikemo byajja okugwamu. Era toteekwa kumulagira ky'atasobola kukola era n'okulongoosa enjogelayo gy'ali n'ebikolwabyo bibeere nga birungi tebimunakuwaza.

Nga bwagamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu hadiith eya wandiikibwa Tirimidhi nti:

لقول الرسول ﷺ: ((خيركم خيركم لأهله، وأنا خيركم لأهلي))

[أخرجه الترمذي:٣٨٣٠] .

Agamba omubaka Swalla Llaahu alaihi wasallama nti: *"Abasinga obulungi mumwe yooyo abasinga okuyisa obulungi abantu be, nange nze mbasinga okuyisa obulungi abantu bange".*

## HIJAAB

Obusiraamu bwakuuma obutebenkevu bwa famile ensiraamu era nebujikugira okulaba nga teyeyuzayuzaamu nakuzikirira oba okubula nebugyetooloza emiziziko emigumu nga okkubiriza empisa ennungi olw'emitima okubeera nga gikuumibwa nga miramu, era n'abantu babeere bayonjo banyweevu mu ddiini yabwe abatasobola kutwalibwa naby'abwagazi, era abatasobola ku kkiriza kujjibwamu bintu by'abugwenyufu.

Bwebutyo bwateekawo ebiziyiza embeera yonna eleetera abantu okugwa mu bikemo, bwebutyo nebulagira okukakkanya amaaso kunjuyi zombi olw'omusajja n'omukyala.

Era Allah n'alaalika kumukyala okwambala (hijaabu) okwebikkirira nga bugendereramu kukuuma kitiibwakye n'ensaaze n'okumwewaza okukakkanyizibwa n'okuswazzibwa n'okwesambya okunyizibwa okuva mu boonoonefu abalina emitima emirwadde, era n'okumukuuma kw'abo abatamanyi byabbeyi bbeeyi yabyo, n'okuggalira ddala

omulyango gw’ebikemo ebyo ebireetebwa okumutunuulira ddala okubi okw'obutwa oba okwetoolodde okusanyizibwawo kwekitiibwa ky’omukyala nensaaze ebyo Allah byeyamuwa.

Abamanyi b’Obusiraamu beegatta ku bwetteeka bwa (hijaabu)okwebikkirira kw’omukyala nebakkaanya nti omukyala ateekwa okwebikka aleke kwolesa byakwewundabye n'ebifobye ebisikiriza eri abantu abebweru naddala abatamuzira kufumbirwa. Wabula nebaba nendaba ezenjawulo abamanyi kunsonga y’okubikka ekyenyikye n’ebibatu. Munsonga eyo beyawulamu ebibinja bibiri.

Naye kimanyiddwa nti obujulizi bwajja bungi okuva mu Qur’an ne hadith obukwata ku Hijaabu n’obwetteeka bwayo, ne kibeera nga buli ludda lwajuliza ekitundu mubujulizi obwo, nga buli omu alaga endabaye okusinziira bw’alabamu obujulizi obwo.

N’obujulizi obulaga obwetteeka bwa (hijaabu) bw'okwebikkirira bwajja mu Suratu Ahizaabu Aya 53:

قوله تعالى: ﴿ وَإِذَا سَأَلْتُمُوهُنَّ مَتَاعًا فَاسْأَلُوهُنَّ مِنْ وَرَاءِ حِجَابٍ ذَلِكُمْ أَطْهَرُ لِقُلُوبِكُمْ وَقُلُوبِهِنَّ ﴾ [الأحزاب:٥٣].

Agamba Allah nti: *"Bwemubanga mulina kyemusaba kyemubabuuzizza mubabuuzenga nga muli mabega wa hijaabu (kiziyiza) ekyonno kyekisinga okubatukuza emitima n'okutukuza emitima gyabwe"* Era n'agamba mu Suratu Ahzaabu Aya 59:

ويقول سبحانه: ﴿يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ قُلْ لِأَزْوَاجِكَ وَبَنَاتِكَ وَنِسَاءِ الْمُؤْمِنِينَ يُدْنِينَ عَلَيْهِنَّ مِنْ جَلَابِيبِهِنَّ ذَلِكَ أَدْنَى أَنْ يُعْرَفْنَ فَلَا يُؤْذَيْنَ وَكَانَ اللهُ غَفُورًا رَحِيمًا﴾ [الأحزاب:٥٩]

Agamba Allah nti: *"Owange ggwe Nabbi lagira bakyalabo ne bawalabo n'abakyala b'abakkiriza beebikkirirenga jalaabiibi zabwe (nga bafuluma eri abatabazira kufumbirwa), ekyonno ky'ekisinga obulungi babeere nga bategeelekeka baleme kunyizibwa, mazima Katonda musonyiyi nnyo era musaasizi ennyo".*

Era agamba mu Suratu Nnuuru Aya 31 nti:

وقال أيضا: ﴿وَقُلْ لِلْمُؤْمِنَاتِ يَغْضُضْنَ مِنْ أَبْصَارِهِنَّ وَيَحْفَظْنَ فُرُوجَهُنَّ وَلَا يُبْدِينَ زِينَتَهُنَّ إِلَّا مَا ظَهَرَ مِنْهَا وَلْيَضْرِبْنَ بِخُمُرِهِنَّ عَلَى جُيُوبِهِنَّ وَلَا يُبْدِينَ زِينَتَهُنَّ إِلَّا لِبُعُولَتِهِنَّ ...﴾ [النور:٣١] .

Agamba Allah nti: *"Era Lagira abakyala abakkiriza bakkakkanye ku maaso gabwe era bakuume*

*obwereere bwabwe tebagezanga neboolesa eby'okwewunda byabwe okujjako ebyo ebyeyolese mubyo, beesuulire ebikaaya byabwe okuva ku mutwe okukka kubibegabega byabwe era teboolesa eby'okwewunda byabwe okujjako eri baba baabwe.... "aya…"*

Ne mu Sunna hadiith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim:

ومن السنة ما جاء عن عائشة ـ رضي الله عنها ـ زوجة النبي ـ صلى الله عليه وسلم ـ قالت: ‹كن نساء المؤمنات يشهدن مع رسول الله ـ صلى الله عليه وسلم ـ صلاة الفجر متلفعات بمروطهن ثم ينقلبن إلى بيوتهن حين يقضين الصلاة لا يعرفهن أحد من الغلس › [متفق عليه: ٥٧٨، ٦٤٥]

Agamba Maama waffe Aisha mukyala wa Nabbi (SAW) nti: *"Baalinga abakyala abakkiriza basaala ne nabbi (SAW) eswala ya Subuhi (Fajiri) naye bajjanga beezinze mubitambaala byabwe oluvannyuma baddangayo mumayumba gabwe nga n'obudde bukyalimu akazikiza".*

Era n'agamba mu Hadith eyawandiikibwa Abu Dawuda ne Ahumadi nti:

وعنها ـ رضي الله عنها ـ أيضًا قالت: ‹كان الركبان يمرون بنا ونحن مع رسول الله صلى الله عليه وسلم محرمات، فإذا حاذوا بنا،

سدلت إحدانا جلبابها من رأسها على وجهها، فإذا جاوزونا كشفنا ) [أخرجه أبو داود وأحمد: ٢٢٨٩٤، ١٥٦٢].

Agamba era Maama Aisha nti: *"Baalinga abasajja abebagadde ensolo zabwe nga twetoolola nabo (Kaaba) nga tuli ne nabbi (SAW) olwonno nga tuli mu mikolo egyemizizo naye bwebatwolekeranga nga batutuuseeko twasikanga omu muffe jilibaabu ye nagisikayo ekintu kyayo kumutwegwe n'abikka ekyeenyi kye (amakulu abasajja bano baleke kumutunula mukyenyi) ate bwebaatuyitangako twabikkula nga ebyenyi byaffe",*

Era n'agamba Maama waffe mu Hadith eyawandiikwa Imaam Bukhari nti:

وعنها - رضي الله عنها - أيضًا قالت: ( يرحم الله نساء المهاجرات الأول، لما أنزل الله تعالى: ﴿ وَلْيَضْرِبْنَ بِخُمُرِهِنَّ عَلَى جُيُوبِهِنَّ ﴾ شققن مروطهن فاختمرن بها ) [رواه البخاري].

"*Allah Asaasire abakyala abaasenguka ne nabbi abasooka, Allah bweyassa Aya "Egamba nti era abakyala basuule ebikaaya byabwe okuva waggulu ku mitwe bikkire ddala kubibegabega byabwe", abakyala bano baayuzaamu ebitambaala byabwe nebabifuula ebikaaya era nebaba nga babyesuulira"*

N’obujulizi ku nsonga eno bungi nnyo, wabula nga newankubadde balina abamanyi endaba ezenjawulo ku nsonga ya hijaabu eno naye bonna bakkanya nti omukyala akkirizibwa okubikkula ekyenyi mu mbeera eya nakola ntya gamba nga okubeera omulwadde neyebikkulira omusawo nga kyetagisizza.

Ate era nebakkiriziganya nti omukyala takkirizibwa kubikkula kyenyikye ekyo wadde nga ali wamusawo singa abeera alaba nga waliwo ebikemo ebisobola essaawa yonna okugwawo. Kubanga n’eri abamanyi abalaba nti omukyala akkirizibwa okubikkula ekyenyi naye nabo bakkanya nti ate singa alaba omukyala nga wayinza okugwawo ebikemo ate olwo kiba kyatteeka gyali okubikka ekyenyikye. Awonno weŋŋambira nti ddala waliwo omulembe ogususse okubeera nga omukyala ateekwa okutya ebikemo okusinga guno?

Guno omulembe ogujjudde obwonoonefu era nebubuna wonna, era nebukeera enkya ng'abakyala ababikkula ebyenyi byabwe bateeka eby'okwewunda mubyenyi byabwe nekumaaso gabwe, mazima fitina neesukka, ekyonno kyekyo abamanyi kyebeegattako bwebagamba nti kiba kyateeka eri omukyala okubikka ekyeenyi kye mu mbeera efaanana etyo olw'okutya ebikemo, era kiba haram okukibikkula.

Era obusiraamu bwebwamala nebuziyiza omukyala okwetabulatabula mu basajja (ab'ebweru) abatamuzira kufumbirwa nga bino byonna kwali kukuuma mpisa mu bantu nakukuuma famile n'ekitiibwa kyazo. Kuba Obusiraamu bukuuma nnyo ensonga y’okutangira n’okuggala omulyango gw'ebikemo n’obugwenyufu. Kuba mukufuluma kw'omukyala munju ye n’okwetabulatabula n’abasajja n’okweta gyebali, ekyonno kyekireeta akabi nekisitula obwagazi era nekyanguyiza ensonga ezisuula abantu mubugwenyufu era nekifuula ensonga y'obugwenyufu nga nyangu nnyo eri abantu abonoonefu.

Allah agamba mu Suratu Ahizaabu aya 33:

﴿وَقَرْنَ فِي بُيُوتِكُنَّ وَلَا تَبَرَّجْنَ تَبَرُّجَ الجَاهِلِيَّةِ الأُولَى﴾ [الأحزاب ٣٣].

*"mukkalire mu mayumba gammwe ate temwejaajaamya nga olw'ejaajamya lw'abakyala abaasooka abaaliwo mu biseera by'obutamanya”.*

Era n’agamba mu Surat Ahzaab Aya 53:

Agamba Allah nti: *"Era bwemubanga mulina kyemubasaba ekintu kyonna mukibasabe nga musinziira mabega wa jjiji, Ekyonno kyekisinga*

*okuba ekitukuza emitima gyamwe n'emitima gyabwe".*

Era bwatyo omubaka wa Allah naziyiza oluziyiza olwamanyi eri okwetabulatabula kw'abakyala n'abasajja era naziyiza n'ekyo ekiyinza okuleetawo okwetabulatabula okwo okutuuka ne mu bifo mwetusinziza.

Wadde nga kimanyiddwa nti omukyala akyayinza okuwulirizibwa nagenda mukifo omuli abasajja nafuluma munjuye okumala ebimu kubyetaagobye singa abeera nga talina muntu yenna ayinza kumuyamba kubyo, gamba nga okugenda okutunda oba okugula olw'okufuna kyanaalya oba kyebanalya oba baalisa n'ebirala ebifaananako nga ebyo mubyannaakolantya, okufuluma mumbeera eyo tekuba namutawaana wabula ateekwa omukyala ono okwekuuma ensalo namateeka ga Allah. Era mumbeera eno ateekwa okufuluma nga yebikkiridde tayolesezza byakwewundabye era ateekwa okubeera nga w'akolera yeyawudde teyetabisetabise na basajja.

Olw'okukuuma famile wamu n'empisa mu bantu, shariya y'obusiraamu yaziyiza okweyawula kw'omusajja n'omukyala bokka babiri nga omukyala oba omusajja abeeyawudde tebaziraŋŋana kufumbiriganwa. Bwatyo omubaka (SAW) naziyiza oluziyiza olwamaanyi omusajja okweyawula

n'omukyala nga tali nabba oba omuntu yenna amuzira. Nabbi yaziyiza kino kubanga Shayitwan yyo yekuuma nnyo okulaba nga eyonoona emitima gy'abantu n'empisa zabwe.

# ENNAMULA ZA HAIDWI NE NIFASI.

## Ebiseera bya haidwi nebbanga lyayo:

1) Emyaka abakyala gyebasinga okutandika okugenderamu mu (haidwi) mu nnaku zabwe ez'abuli mwezi libeera wakati w'emyaka kkumi n'ebiri nebakomera ddala ku myaka amakumi ataano, naye nga oluusi omukyala akyayinza okufuna haidwi nga emyaka gino teginnawera ate era akyayinza okusukka emyaka ataano gyetulabye nga era akyagenda mu haidwi, kisinziira kumbeera Allah zeyamutonda nazo.
2) Ebbanga omusaayi gwa haidwi lyegumala nga gujja; obutono bwalwo luba lunaku lumu ate obungi bwalwo ziba ennaku kkumi nataano.

### Haidwi y'omukyala ow'olubuto

Ekimanyiddwa eri abasinga obungi mu bakyala nti omukyala bwafuna olubuto, omusaayi guno ogwa haidwi gukutukawo, abeera taky'agufuna. Amakulu

takyagenda mu nsonga okutuusa lw’azaala. Naye singa omukyaala w'olubuto alaba omusaayi; singa gujja ng'abulako akaseera katono okuzaala, ng'ennaku bbiri oba ssatu, mukujja kwagwo nga kwegasseeko n'ebisa awonno guba gwa nifaasi. Naye ate singa gujja nga okuzaala kukyabulako ekiseera kiwanvu, oba yadde ng'anaatera okuzaala naye nga talina bisa bimusimba, ogwo ate teguba gwa nifaasi ate era tegubeera gwa haidhi.

## Ebitali bya bulijjo ebituuka ku haidwi:

Bino nno birimu engeri eziwerako, mu zo:

1. Okweyongera kwennakuze oba okukendeera, okugeza, ayinza okubeera omukyala nga bulijjo amala mu nnakuze ez'abuli mwezi ennaku mukaaga naye ate naasanga nga oluusi ennaku zigenze mu nnaku musanvu oba ate okubeera nga abadde amalamu musanvu ate agenda okulaba nga atukulidde kunnaku mukaaga.
2. Okukeerewa okugenda mu nnakuze okusinziira ku mbeera ye gyamanyi eyabulijjo, oba ate okubeera nga ayanguwa okugendamu. Okugeza, nga bulijjo omukyala ono agenda mu nnakuze kunkomerero y'omwezi naye ate najja yesanga nga agenzeemu muntandikwa yagwo oba okubeera nga bulijjo agendamu muntandikwa y'amwezi naye najja yesanga nga agenzeemu mu nkomerero yagwo.

Mu mbeera zino zombi wonna omukyala w'alabira omusaayi ogumanyiddwa nti gwa haidwi era nga guyina ebitendo byagwo ebimanyiddwa, omukyala ono ateekwa okumanya nti ali mu haidwi era wonna walabira nti atukudde akitwale nti mukutuvu amakulu nti eyo embeera yonna esobola okubeerawo naye teteekwa kumujja kumulamwa,

gubeere nga omusaayi gwongezaamu ennaku oba gukendedde oba gwanguye okujja oba gukeereye akitwale nga kyabulijjo.

**3.** Okulaba olusaayisaayi olw'akyenvu nga amazzi agava mukiwundu oba oluli wakati w'akyenvu n’obuddugavu bino singa birabika mu nnaku za haidwi oba nga byeyungidde ddala ku kiseera kya haidhi ku nkomerero yayo, ogwo gwonna olwo guba gubalibwa nga gwa haidwi era nennamula yagwo yeeya haidwi. Wabula singa omusaayi ogwo gugwawo oluvannyuma lw'okuba ng’omukyala amaze okutukula newayita ennaku negujja ate olwo okulamula kw’ogwo tekuba kwa haidwi era abeera mutukuvu.

**4.** Okukutukakutuka kwa haidwi, n’abeera omukyala nga ekiseera ekimu alaba omusaayi ate bwewayita akaseera n’alaba nga atukudde ate bwewayitawo ekiseera n’alaba omusaayi embeera n’eba nga ekyuukakyuka bwetyo. Mumbeera zino zombi zilamulwa ziti buli emu:

**a)** Okusooka kw'ekubeera nga omukyala kino weekiri lubeerera olwo omusaayi ogwo guba gubalibwa nti gwa kikulukuto oba kyebayita abamu (ekyalaalo) bw'atyo omukyala ono olwo

abeera agenda munnamula y’omukyala ow’ekyalaalo.

**b)** N’embeera eyokubiri ku mukyala ono kwekubeera nga omusaayi sigwalubeerera wabula nga gujja ebiseera ebimu ate oluvannyuma n'afunamu ekiseera nga mutukuvu talaba musaayi wabula nga okkutukawo kwagwo kuno ebbanga lyekumala nga tekukka wansi w'alunaku, awo kuba kutukula. Naye bwekuba tekuwera lunaku okwo tekuba kutukula okujjako nga alabye obubonero obulaga nti ddala kuno kutukula. Gamba nga okubeera munkomerero ye nnakuze oba okulaba amazzi ameeru agatera okusembayo omukyala ng’amalako ennakuze kuba amazzi gano nabaana y’omukyala etera okugasindika mukiseera nga ennaku za haidhwi ziggwako.

**5.** Omukyala okulaba (Rutwuba) oluzzizzi mu bukyalabwe, singa oluzizzi luno lujja mu kiseera kya haidhwi oba nga zigwako ennakuze naye nga abadde tannatukula, olwo luba lubalibwa mu haidhwi naye singa lulabika nga abadde yamaze okutukula olwo telubalibwa mu haidhwi, y'elongose afune wudhu asaale.

## Ennamula ku musaayi gwa Haidhwi:

1) Omukyala nga ali mu haidhwi, aziyizibwa okusaala esswala yonna keebeere yatteeka oba ya sunna. Era singa agisaala tekikkirizibwa era temukakatako okujjako singa atukula n'aba nga takyavaamu musaayi naye nga ekiseera kyeswala kikyaliko kakibeere nga kisigaddeko ekiseera ky'asobola okusaaliramu raaka emu yokka, olwonno eyo esswala mwatukulidde ebeera emukakaseeko.

Kinonno kiri emirundi ebiri; akifunye mu ntandikwa y'okugendakwe mu haidhwi oba mu nkomerero ya haidhwi. Okugeza singa omukyala agenda mu haidhwi nga enjuba y'akagwa nga wayiseewo ekiseera mwasobola okusaalira raaka emu yokka, kiba kimukakatako nga avuddemu n'atukula okuliwa esswala eyo eya Magaribi kubanga abeera nga weyagendera mu haidhwi yali emaze okuyingira ekigero kyekiseera mwasobola okusaalira raaka ennamba. N'ekyokulabirako kunkomerero ya Haidhwi singa omukyala atukula nga enjuba ebulako katono okutandika okuvaayo mu kiseera ekigero mwasobola okusaalira raaka (nga enjuba tennavaayo), olwo kiba kimukakatako okusaala esswala eyo eya Subuhi kubanga abeera asisinkanye mu kiseera kya

Subuhi, ekiseera mwasobola okusaalira raaka ennamba.
Ate zzo Azhikaar ne Tasibiih netakibiira ne Tahamiid n’okusoma Bisimillah nga agenda okulya n’ebirala nga okusoma ebitabo bya Fiqih nebya Hadiith n’okusaba edduwa n’okuddamu nti Amiina, n’okuwuliriza Qur’an bino byo tebiganibwa mukyala ali haidhwi kubikola, ate era akkirizibwa omukyala ali mu haidhwi okusoma Qur’an mu mutima gwe naye nga takutte Qur’an yennyini. So nga ate singa wabaawo obwetaavu bw'okusoma nga agikutte olw'okukola revision oba okugolola ensobize nebifaananako ng’ebyo, wano asobola okugikwata nagisoma nga akozesa ekintu kyonna ng'olugoye naye nga tagikwatiddeko ddala wabula asobola okwambala glaves n’ebirala.

2) ***Swawumu;*** omukyala ali mu haidwi era aziyizibwa okusiiba kwonna kubeere kwatteeka oba kwa sunna era bw’asiiba okusiiba kwe Allah takukkiriza, so nga abeera ateekwa okuliwa ennaku zataasiibye mu kusiiba okwetteeka bwabeera nga atukudde. Era singa agenda mu haidhwi emisana nga asiibye okusiibakwe okw’olunaku olwo luba lufudde k’abeere nga

abadde abuzaayo lutemya lwa liiso, asiibulukuke. Wabula singa awulira okutambula kw'omusaayi ogwo ogwa haidhwi mu mubirigwe nga enjuba tenagwa naye negutafuluma okujjako ngemaze okugwa, olwo okusiibakwe kubeera kujjuvu tekwonooneka. Era singa (Fajir) emambya esala ng'omukyala ono ayingidde mu haidwi okusiiba kwe olunaku olwo tekukkirizibwa wabula singa atukula nga mambya ebuzaayo lutemya lwa liiso okusala olwo abeera akkiriziddwa okusiiba era okusiibakwe kutuufu kabeere nga abadde tannaba kunaaba era n'atanaaba okujjako nga emambya emaze okusala, okusiibakwe kuba kutuufu.

3) ***Atwawaafu;*** okweetolola enju eno eya Allah Kaaba kubeere kwa (Faradwa) kwatteeka oba kwa sunna kwonna tekukkirizibwa, wabula gyo emikolo oba ebikolebwa mu mikolo gya Hijja egisgadde nga okutambula Swafa ne Maruwa n'okuyimirizaawo emikolo gya Hijja eyo mu Arafa era n'okusula e Muzidalifah ne Minna n'okukuba ebiwaji n'ebirala ebikolebwa mu mikolo gya Hijja oba Umrah ebyo abeera waddembe okubikola. N'olwekyo singa omukyala yetooloola Kaaba nga mutukuvu

oluvannyuma n’agenda mu Haidhwi nga amaze okwetoloola amangu ddala, oba nga ali mukutambula Swafah ne Maruwa, awo wonna taba namutawaana gwonna mwekyo.

4) *Okutuula n’alwa mu Muzikiti;* omukyala ali mu haidhwi takkirizibwa kutuula mu muzikiti n’alwamu.

5) *Okw'egatta;* Omukyala ali mu haidhwi takkirizibwa kw'egatta na bba mu nsonga za bafumbo era n’omukyala tateekwa kukkiriza bba kwegatta naye, wabula nga yakkirizibwa mu mbeera eno okukola ebyo ebisobola okumumalako obwagazi n’ava mukizibu ekyo gamba nga okunywegera mukaziwe oba okumuvumbagatira(hug), okumuromansinga naye nga bino abikola yewaze okubikkula kubweleeere bwa mukyalawe.

6)***Atwalaaka;*** Omusajja era takkirizibwa kuwa mukyala Talaka nga ali mu haidhwi era singa agimuwa abeera omusajja ono ajeemedde Allah n’omubakawe era nga yebagadde ekikolwa ekyaziyizibwa. Bw'atyo ky'aba alina okukola kumuleka n'amuddira n’abeera naye okutuusa lwamala okutukula oluvannyuma bwaba

ayagadde n'alyoka amuta nga n'ekisinga obulungi kw'ekusooka n'amulekera ddala okutuusa lwaddamu okugenda mu haidhwi ate era naddamu n'atukula ogw'okubiri awo bw'ayagala n'amuta oba bw'ayagala n'amuleka.

7) ***Obwetteeka bw'okunaaba;*** Kyatteeka eri omukyala abadde mu haidhwi bw'avaamu n'atukula okunaaba olunaaba olunene olwa (gusulu) era lubuna omubiri gwe gwonna. Wabula nga sikyatteeka okusumulula enviirize bweziba nsibe okujjako nga baazinyweza nnyo olunyweza oluziyiza amazzi okutuuka ku mubirigwe. Era singa omukyala atukula mu kiseera ky'esswala nga ekyaliko kiba kyatteeka eri omukyala oyo okwanguwa okunaaba n'asaala esswala eyo mukiseera kyayo. Singa abeera nga alina ekimuziyiza okukozesa amazzi nga gajja mutuusaako obulabe oba nga gajja kumuleetera obuzibu, mu mbeera eyo abeera alina okutayammama mukifo kyokkozesa amazzi, okutuusa ekizibu ekyo lwekivaawo olwonno n'anaaba n'amazzi.

## EKY'ALAALO n'ennamula zaakyo:

Okulamula kw'omukyala ow'ekyalaalo oba ekikulukuto kyekimu n'okulamula kw'omukyala

omutukuvu. Tebalina njawulo yadde okujjako mu bino wammanga:

Omukyala ow'ekyalaalo akakatibwako okufuna wudhu ku buli swala (amakulu takuuma wudhu) ng'omutukuvu.
Bw'aba agenda okufuna wudhu ateekwa okusooka okwelongoosa mu bweleerebwe n'abunaazamu omusaayi era neyesabika (neyepadinga) pad eyo esobole okukwata omusaayi ogwo.

# NIFASI n'ennamulaze:

Nifasi tw'amulaba emabegako nti gwe musaayi nnabaana gwafulumya oluvannyuma lw'okuzaala kw'omukyala. Guyinza okujja n'omwana oba negujja oluvannyuma lwe oba negujja olubereberye lw'okuzaala nga wabula ennaku bbiri oba ssatu. N'okwetukuza kw'omukyala, ono yeetukuza amangu ddala nga akaze omusaayi tegukyajja. Wabula singa gufuluma negutasalako negutuuka munnaku amakumi ana, olwo abeera ateekwa okwetukuza n'asaala kubanga ebbanga lyagwo telisukka nnaku makumi ana, okujjako nga ate gugobereddwa ogwa haidhwi olwonno omukyala ono mumbeera eyo atuula ennakuze eza haidhwi okutuuka lw'atukula okuva mu haidhwi oluvannyuma n'anaaba.

Era tetukakasa musaayi guno ogwa nifasi okujjako nga omukyala kyazadde kilabika nti muntu (nga ayawudde). Singa avaamu olubuto nga n'avaamu ekintu nga tekinnalaga nti mwana abadde atonze, omusaayi gwe ogwo tegubalwa nti gwa nifasi wabula guba gw'abutonde ogwabulijjo, olwonno okulamulwakwe nekubeera nga'okwomukyala ow'ekyalaalo.

Ekiseera ekisembayo obutono okukakasibwa okubeera ekifulumye nti muntu oba si muntu

zibeera ennaku kinaana nga tubala tutandikira okuva weyafunira olubuto so nga n'ekiseera ekisinga okumanyibwa zibeera ennaku kyenda.

Ate ennamula z'omukyala wa nifaasi, biki by'atalina kukola, kyekimu n'okulamula kw'owa haidhwi kwetuva okunnyonyola waggulu.

## Ebiziyizibwa ku haidhwi n'olubuto:

Omukyala okukozesa ekintu kyonna ekiziyiza haidhwi kukkirizibwa n'obukwakkulizo bubiri;

- Obutabaawo kutya kufuna buzibu obudda gyali, singa wabaawo obuzibu obuva mukuziyiza okwo abeera takkirizibwa kuziyiza musaayi ogwo kufuluma.
- Okufuna olukusa okuva eri bba nga akitegeddeko.

Wabula ate kkwo okukozesa ebireeta haidhwi nabyo bikkirizibwa n'obukwakkulizo bubiri;

- Okufuna olukusa okuva eri bba.
- Okubeera nga tekugendereddwamu era nga tekujja kumuziyiza kukola ebyo ebyamulaalikwako, gamba nga okubikozesa afune haidhwi yebalame okusiiba oba okusaala n'ebirala.

So nga era okukozesa ebiziyiza olubuto nabyo birimu engeri bbiri:

- Ebiziyiza oluziyiza olw'emirembe gyonna oba olw'obulamubwe bwonna, kuno okuziyiza tekukkirizibwa.
- Okuziyiza oluziyiza olw'ekiseera ekigere, okugeza okubeera omukyala nga embuto azifunira kumukumu nga zimukooya nnyo n'ayagala ateekewo ebbanga, nategeka okufunakwe olubuto buli luvannyuma lwa myaka ebiri oba nga ekifananako ng'ekyo. Kino kyo kikkirizibwa nakakwakkulizo k'okumala okufuna olukusa okuva eri bbaawe era nga tekigenda kuleetera mukyala ono buzibu.

# Ebirimu

Ekifo ky’omukyala mu Busiraamu ......................... 3

EBIVUNAANWA BY'OMUKYALA EBIBUNA ............... 9

EBIVUNAANWA BY’OMUKYALA OKUVA ERI BBA ... 13

Hijaab ......................................................... 16

Ennamula za Haidhwi ne Nifasi ........................... 24

Ebiseera bya haidhwi nebbanga lye: .................... 24

Omukyala ow'olubuto okugenda mu haidhwi: ....... 24

Embeera ezigoberera omukyala ali mu haidhwi: ... 26

Ennamula kumusaayi gwa Haidhwi: ..................... 29

Ekyalaalo n’ennamula zaakyo: ............................ 33

Nifasi n’okulamulakwe: ...................................... 35

Ebiziyizibwa ku haidhwi n’olubuto: ...................... 36